| Essomo 3 | الدرس الثالث |
| --- | --- |

# EBYONOONA OKUSIIBA

## Bino wammanga bye byonoona okusiiba:

**1.** Okulya oba okunywa nga ogenderedde, wubula singa omuntu alya oba n'anywa nga yeerabidde ekyo tekirina kye kikosa ku kusiiba kwe, nga bw'agamba Omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu Hadiith eyawandiikwa Imam Muslim.

Yagamba Omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama nti: "Omuntu yenna eyeerabira nga asiibye n'alya oba n'anywa, ajjuze okusiiba kwe (amakulu agende mu maaso n'okusiiba kwe), kubanga Allah y'aba amuliisizza era y'aba amunywesezza".

Era ne mw'ebyo ebisiibulula omuntu kwe kutuuka kw'amazzi mu ddookooli lye nga gayita mu nnyindo, era n'okukozesa empiso ey'ebyokulya nga biyita mu misuwa n'empiso y'omusaayi, ebyo byonna byonoona okusiiba kubanga bibeeramu ekiriisa eri abeera asiibye.

**2.** Okwegatta mu mukolo gw'abafumbo, omuntu yenna eyasiibye singa yeegatta ne mukyala we mu mukolo gwabwe ogw'abafumbo, oyo abeera asiibulukuse era alina okuliwa olunaku olwo ate era n'okuwa omtuango, nga nagwo kwe kuta omuddu, oba tamusobodde kumufuna asiiba emyezi ebiri egiddiringanye nga tasiibukuseeko mugyo wadde olunaku olumu okujjako olw'kisonyiyisa Obusiraamu kye bukkiriza, gamba nga ennaku za Idi ebbiri, oba ennaku z'okwanika ennyama, oba obulwadde, oba olugendo n'ebirala nga ebyo.

Singa asiibulukuka ewatali kisonyiyisa mu Busiraamu kalube olunaku lumu lwokka, oyo abeera ateekwa okuddamu okutandika buto okusiiba asobole okutuukiriza Allah kw'atulagidde.

Singa eky'okusiiba abeera takisobodde, olwo aliisa (bamasikiini) abateesobola nkaaga.

**3.** Okuvaamu amazzi agekyaama nga agenderedde olw'ensonga y'okunywegela mukyalawe oba okugejjamu yye kennyini **(masturbation)** n'ebiralaebiringa ebyo, byonoona okusiiba era akikoze n'akakatako okuliwa naye nga tawa mutango, so nga okwelooterera tekwonoona kusiiba kwa muntu.

**4.** Okuvaamu omusaayi olw'okwerumika, oba okugujjamu omuntu agugabe, wabula omusajja omutono okuva mu mntu tewgonoona kusiiba era wamu n'okuvaamu kw'omusaayi mu muntu nga omuntu tagenderedde nga ekiwundu oba okuggyamu erinyo, ekyo tekirina kye kikosa kusiiba.

**5.** Okusesema ngo ogenderedde, wabula singa omuntu asesema nga tekubadde kwagala kwe tewaba buzibu agende mu maaso n'okusiiba.

So nga ebintu bino byonna ebisiibulula bye tulabye, tebisiibulula musiibi okuggyako nga omusiibi akikozesezza nga akitegeera era ajjukira nga yesaliddewo, wabula singa abeera nga abadde tamanyi kulamula kwakyo mu Sharia y'Obusiraamu, oba nga ebiseera abadde tabitegedde nga okulowooza nti enjuba tenavvaayo oba nti egudde ne bifanana bityo biba tebyonoona kusiibakwe,

Nabwekityo okubeera nga ajjukira singa abeera yeerabidde okusiiba kwe kuba kutuufu, era n'okubeera nga yeesaliddewo singa abeera akakiddwa okusiiba kwe kuba kutuufu n'okuliwa taliwa.

**6.** Era n'ekirala mu byonoona okusiiba kwe kuvaamu omusaayi gwa **heidh** oba ogwa **nifaasi**, wonna omukyala w'alabira omusaayi guno ogwa **heidhi** oguva mu mukyala ogwa buli mwezi oba ogwa **nifasi** oguva mu mukyala nga amaze okuzaala, w'alabira ogumu kugyo amanye omukyala nti owo olunaku lwe we lufiilidde (k'abeere nga abuzaayo lutemya lwa liiso essaawa z'okusiibulukuka zituuke) gyali okusiiba wabula ateekwa kulya oluvannyuma n'aliwa ennaku ezo z'alidde.